Amakulu ga Federo

James Ssemakula
(*james_ssemakula@yahoo.com*)
July 17, 2007

Wayise akabanga kasookanga eyali Katikkiro wa Buganda, Owekitiibwa Mulwanyammuli Ssemwogerere, nga atutte ebirowoozo by'abantu bawano mu Buganda eri akakiiko akakulirwa Mw. Ssempebwa. Akakiiko kano kanoonyereza ebifa ku ndowooza z'abantu ku ngeri gyebaagala okufugibwa abakulembeze b'eggwanga.

Ekimu ku biroowozo bya Buganda, mwe muli okwagala enfuga eya federo nga y'eba egobererwa mu bitundu bya Yuganda yonna. Kino kitegeeza nti buli kitundu kya Yuganda, ekyesobola era ekiba kyesiimidde, kyaddembe okuba n'enfuga eno. Kale si Buganda yokka ye yagala okuba ne'nfuga eya federo; wabula buli bonna ababa bagyagadde baba ba ddembe okugifuna.

Okuva ku biwandiikibwa mu mpapula z'amawulire ebiro bino, abantu abamu bebuuza nti: Federo kye kiki? Mu mazima, bingi ebiwandiikidwa ku nfuga ya federo, naye kino kye kinyusi. Federo y'enteekateeka y'eby'obufuzi bwa gavumenti eva mu nzikiriziganya y'amawanga, oba ebitundu b'yensi, okusiima kyeyagalire, okwegatta. Mu kusiimagana kuno, amawanga ago agegasse gaba gatwalibwa nti ga mwenkanonkano mu by'obufuzi, era nga kino tekirina ngeri yonna gye kyesigamizibwa ku bunene bwago, buli limu, oba okusinziira ku bantu abalimu, oba obugazi bw'eggwanga, oba enfuna yalyo. Amawanga ago agegasse gakkiriza kinnakimu okuwaayo obumu ku buyinza bwago eri gavumenti eya wakati. Ate obuyinza obulala buli ggwanga libwesigaliza. Bino byonna biva mu nteeseganya n'okukkaanya mu ngeri ya kyeyagalire, awatali kukakibwa mu ngeri yonna. Kwekugamba nti buli buyinza bukkiriziganyizibwaako, mu bukkakkamu mu nteeseganya.

Gavumenti eyesigamizibwa ku nfuga eya federo, ey'okukkiriziganya nga muyita mu kuteesaganya, eba ku musingi mugumu ddala. Era esobola bulungi okuleeta emirembe, obutebenkevu, n'okukulaakulana mu ngeri zonna. Eyo y'eyitibwa gavumenti eya bantu, kuba eba ekoleddwa ku lwa bantu, era nga abantu nga ggwe nange, be bagikola. Olwokuba nti abantu abakulemberwa be baba banannyini, buli omu aba n'eddembe ery'obuntu. Buli muntu olwo y'ekolera emirimugye n'obumalirivu, awatali kutya kwonna, ne yeyimirizaawo awamu n'ab'omumakaage, okusinziira ku kusiimakwe n'enfunaye. Okutwalira awamu, ensi yonna nayo ekulaakulana.

Nga bwetunalaba wammanga, mu bulamu obwa bulijjo, federo eringa obufumbo. Anti bwolaba munno, musooka kusiimagana, olwo ne mulyoka mugenda mu bakulu, era oluvannyuma ne mwoolekera e keleziya oba e kanisa oba omuzigiti oba enkola endala gye mwesiimidde ne mugattibwa. Okuva awo

mugenda ne mwekolera amaka gammwe. Amaka ago okuba amatebenkevu gasaanamu enteseganya, buli omu n'amanya kiki munne ky'amusuubira okukola, okuyamba okuyimirizaawo amaka gaabwe, n'ezadde lyabwe bweliba lifunise. Effuga bbi, nga bweritakola mu bufumbo, bwerityo ne mu nfuga ya gavumenti linyiga era likosa abatuuze b'omu nsi.

Mu Yuganda, federo yajja mu mwaka gwa 1962, mu meefuga ga Yuganda. Era mu kuyingira Yuganda, federo yayita miryango, ate yatuuka misana ttuku, nga abakulu bonna balaba! Anti yayita mu kuteesaganya, nakukkaanya. Olukiiko olwagireeta lwali Bungereza mu 1961, era n'omuzigu Milton Obote naye telwamutumirwa mwana. Abakiise ba Buganda baasaba Obwakabaka bwa Buganda bubeere nga budukanyizibwa ku musingi oba omutendero gwa federo, kuba baali bamaze okukilaba nga ya mugaso mu kusobozesa Abaganda okukuuma empisa n'obulombolobo bwabwe. Ababaka b'ebitundu bya Yuganda sikiwa nti bassaayo nnyo omwoyo okusabira ebitundu byabwe enfuga eya federo, nabo okusobola okukuuma ebyabwe. Tusaanye tujjukire nti teri muntu n'omu bwati eyakugira abakiise b'ebitundu ebilara okusabira bitundu byabwe federo nabo babeere nga ffe. Era nakati teri muntu agaana bakiise ba bitundu birala okusabira ebitundu byabwe enfuga eya federo. *Kati webuuze, lwaki bbo tebasiima kusabira bitundu gye basibuka federo*? *Kiki ddala kye baganyulwa ffe bwebatukugira*?

Mu butonde bw'ensi, enfuga ya federo ya dda nnyo. Era esibuka ku njiri eyasomesebwaanga *Coccoeius* eyaliwo mu myaka egya1603 – 1699. Ono yagyesigamya ku ndagaano, eyakyeyagalire, wakati wa Katonda n'abantube. Mu lufuutifuuti, kino kiyitibwa *'federal (covenant) theology'*. Waliwo amawanga mangi ddala, agalina obwakabaka n'agatabulina, agafugibwa ku musingi ogwa federo, nga gatudde ntende era nga gakulaakulana enkya n'eggulo, nga Amerika, Switzerland, n'amarala.

Abaganda lwaki bettanira nnyo enfuga ya federo? Omuganda federo agiyonka mu bbeere lya nnyina. Omwana bwazaalibwa ku luggya, akuzibwa nga alabirirwa era nga ayigirizibwa empisa, okukola emirimu egy'omugaso, n'ebirala ntoko. Mu bino byonna aba afugibwa abazadde n'abamusinga obukulu. Omwana ono bw'asajjakula oba bwakaziwala, ava ku luggya kwe yakuzibwa, n'agenda yetongola mu maka agage ku bubwe ye g'akulira nga y'alamula buli nsonga egafaako. Lwayagadde okulya enyama, nga rupiya alina, bwe gutyo bwe guba. Bwayagala okugenda mu ndongo, yekomako yekka, kuba aba yefuga yekka. Obuvunaanyizibwa bwonna olwo y'aba nnyini bwo. Obuvunaanyibwa buno bulimu n'okweyimirizaawo awamu n'ab'omumakaage, era nga n'omusolo nagwo aguwa. Kale bwe kityo, eddemberye siryabweerere, wabula lijjirako n'obuvunaanyizibwa obwokweyimirizaawo n'okuyamba eggwanga mwatudde. Kino tekitegeeza nti bazaddebe, n'ab'ekika abeerabira. Era bwaba azadde omwana amutwaalayo natuumibwa amannya ag'ekika.

Bwaba agudde ku buzibu ab'oluganda bamudduukirira, era naye bwatyo. Mu lukiiko lw'ekika naye ateesa nga omuntu omukulu ey'etongodde.

Engeri endala Abaganda gye tutegeeramu federo y'ensengeka y'ebika byaffe. Buli Muganda alina ekika. Buli kika kiva ku ntobo ne kilukibwa okutuuka ku ntikko. Entobo y'ekika eyitibwa **Enda**. Eddaala eriddako liyitibwa **Empya** (Oluggya). Eddaala eriddako lwe **Lunnyiriri** omuntu mw'asibuka. Ennyiriri zino ziyingira mu **Mutuba**, ate e mituba gyo ne giyingira mu **Ssiga**. Olwo Amasiga ne gayingira mu **Kasolya** akakulirwa Omukulu w'Ekika. Kati olwo ebika nebiryoka bituuka Ssaabasajja Kabaka wa Buganda. Olw'okuba Kabaka yennyini y'akulira abakulu b'ebika bonna, kyava ayitiba Ssaabataka, kuba ye Mutaka o'wokuntikko. Okuggumiza kino, ensengeka eno eri bweti: Enda → Empya (Oluggya) → Olunnyiriri → Omutuba → Essiga → Mukulu wa Kika → Buganda (Ssaabataka).

Buli ddaala lirina omukulu ayitibwa **Omutaka** alikulira, era avunaanyizibwa okugonjoola ensonga zonna eziba ziguddewo ku bantu b'akulembera. Ensonga ezimu zirema ku ddaala erimu, era olwo ne zijulira omukulu addirirako waggulu, okutuukira ddala ku Mutaka Omukulu w'Ekika. Oluusi ensonga ziremagana ku ntikko y'Ekika, era olwo ziba zoolekedde Kabaka, kuba ye **Ssaabataka,** akulira abataka bonna mu Buganda yonna.

Ebika byaffe tebyenkanankana mu bungi bwa bantu ababirimu. Okugeza, ab'Emmamba bangi nnyo okukira ab'Engo. Naye toliwulira nti Omukulu w'ekika ky'Emmamba ate agenze kusala misango mu kika ky'Engo, kuba obwo si buvunaanyizibwa bwe. Abataka abakulu b'ebika, bwe bagenda okukiika embuga awamu, bonna bawulirizibwa ku ddaala limu awatali kyekubiira, kuba ba mwenkanonkano mu maaso ga Ssaabataka. Ate Ssabasajja talyeyingiza mu nsonga za bika nga tebazimujjuliza. Kale nno, mu ngeri eno kyeraga kaate nti Omuganda federo agiyonka mu bbeere lya nnyina. Mungeri y'emu twagala Buganda eddukanye ebyayo, awakalubye tube nga tujjuliza gavumenti ya wakati.

Ayagala okumanya ebisingawo ku bika byaffe, waliwo ebitabo ebiwerako ebyawandiikibwa ku nsonga zino. Naye kirungi okutandikira n'eky'Omugenzi M. B. Nsimbi, "*Amannya Amaganda N'eNnono Zaago*", ekyasooka okufuluma mu 1956. Ekitabo kino kikulu nnyo, nnyo era tekisaana kubula mu maka ga Muganda yenna. Omugenzi Nsimbi ebimu ku bino yabiwandiikako mu bufunze, naye nga biri mu lufuutifuuti: M. B. Nsimbi (1950) "*Baganda personal names"* mu *Uganda Journal* 14 ku miko 201-215; ne M. B. Nsimbi (1964) "*The clan system in Buganda"* mu *Uganda Journal* 28 ku miko 25-30.

Agamu ku mawanga agatulinaanye, nga Abanyoro, nago galina ebika ebifaananako ebya Abaganda. Kino oyinza okukiraba mu kiwandiiko kya H. M. Beattie "*Nyoro personal names*" ekyafulumira mu *Uganda Journal.* N'olwekyo,

federo ne bannaYuganda banaffe abalala nabo bagimanyi oba basobola okugitegeera mu ngeri y'emu nga ffe. Era nabo eyinza okubaganyula mu ngeri y'emu nga ffe, singa baba begyesiimidde. Federo eggumiza era ekwatirira ebyo byetulina obutabisuula, era nesitula ne ddembe ly'obuntu.

Mpozzi ekisinga obukulu kiri nti, enfuga ya federo wano mu Buganda yava dda nnyo, nga ekola. Era Omuzungu okujja mu Buganda wano jjuuzi mu 1856, yasanga enkola ya federo nkukuutivu ddala, nga yadda. Era kino kye kimu ku byewunyisa Abazungu okulaba nti mu masekkati ga Afirika mwalimu abantu abagunjufu era abalabufu nga Abaganda mu biseera ebyo. Anti mu nfuga ya Buganda, **amaka** ge gakola ekyalo. **Ekyalo** kibaako Omutongole akikulira. Ebyalo ebiri mu **Muluka** ogumu, bikulirwa Omwami w'Omuluka. Emiruka gikulirwa Omwami we **Ggombolola**. Ate amagombolola ne gakulirwa Omwami **w'Essaza**. Ab'amassaza olwo ne batuuka ku Katikkiro wa Buganda, Kamalabyonna, era ayitibwa Kabaka ow'ebweru.

Amadaala nga ago gayitibwa "*hierarchy"* mu lufuutifuuti. Abaami abafuga amadaala gano bayitibwa **Bakungu**, mpozzi olwokuba be bavunaanyizibwa okukunga abantu.

Ow'essazza ly'eBusiro talina ngeri gy'alamulamu bantu ba mu Ggomba, oba ow'eBuddu okulamula ab'eBugerere. Abaami b'amasaza bwe bagenda okukiika embuga, nabo baba bamwenkanonkano mu maaso ga Kabaka ne Katikkiro. Okuggumiza kino, entegeka eno eri bweti: Amaka →Ekyalo → Omuluka → Ggombolola → Essaza → Entikko, ekulirwa Katikkiro wa Buganda.

Kale nga bwetulabye, federo, enfuga eyatutumula Buganda, yadda nnyo wano mu Buganda. Eyo y'emu ku nsonga lwaki ffe Abaganda eyo ye nfuga gye twaagala ekole wano ewaffe, kuba si ngwiira. Olw'okuba yatuyamba nnyo okukulaakulana mu ddembe, era okusinziira ku busobozi bwaffe nga abantu, kyetuva twagaliza ne bannaYuganda banaffe bonna nabo babe n'enfuga eno eya federo, bwe baba besiimidde.

Nga mmaliriliza, njagadde nkoone ku nsonga emu eri ku mitima n'emyoyo gy'abamu ku bannaYuganda bannaffe abaatuseenga wano ewaffe mu Buganda. Abamu kubo balabika balina okutya nti singa enfuga ya federo edda mu Buganda nti baakugobwa mu Buganda. Kino si kituufu era kikyamu nnyo.

Kuva dda nnyo nga Buganda eyaniriza abantu abasiimye okujja wano okutwegattako, naddala abo abanyiikivu mu mirimu gyabwe n'abalina obumanyirivu obwenjawulo bwe basobola okutuyigiriza. Anti bagamba nti '*Omuweesi ekyamuziimbya ku kkubo, kulagirirwa*". Abaseenze abo abasiima embeera yaffe, baava dda nga baddembe okugandawala, era nebayingira ne mu bika byaffe nebakkalira. N'olwaleero, omuntu yenna atalina buzaale Buganda, bwaba ayagadde era nga asiimye empisa zaffe n'obulombolombo bwaffe – omuli

okuwagira n'okuwulira Ssaabasajja wa Buganda – asobola okufuuka Omuganda.

Mu mpisa zaffe, Omuganda yenna asuubirwa era ateekeddwa okussa mu bakoddomibe ekitiibwa, kuba nabo baba bazaddebe. Kale nno olw'okuba Abaganda bangi nnyo ddala abawasizza n'abafumbiddwa abantu abasibuka mu mawanga g'omuYuganda amalala, kiba kivve okugezaako okugoba abantu abasibuka mu mawanga amalala.

Ekirala, Abaganda twava dda nga abamu ku baseenze bano tubassaamu obwesige, ne tutuuka n'okubalonda okutukiikirira mu by'obufuzi. Mu bano mwe muli abantu nga omwami Omunyoro Dr Kununka eyali omu ku bakiise abasatu aba Buganda mu *Legco*, omukyala Omuyindi Alidna Visram (gwetwawa n'erinnya erya Nnamubiru), eyalondebwa okutukiikirira mu paalimenti mu myaka gy'enkaaga, n'Omucholi eyali enfiira bulago ya Ssekabaka Muteesa II, Daudi Ochieng eyalondebwa okukiikirira ekitundu ky'eMityana mu kibiina kya Kabaka Yekka. Nabuli kati, Buganda ekyalonda abantu abasibuka mu mawanga amalala okuba abakiise bayo. Ebitundu bya Yuganda ebilara bimeka ebirina enkola nga eno ekiriza atali mwana nzaalwa w'omukitundu okulondebwa ku bufuzi?

Ate, ekisinga obukulu kiri nti, mu byafaayo bya Buganda , ebika ebisiinga obungi ebiri mu Buganda eya leero byaava bweru waayo, n'ebyegatta era ne bitabagana n'ebika ebitaano (5) binnansangwaawo. Ebika byetwandiyise ebigenyi mu Buganda tebyajjira kumu. Naye tebisosolwa, era ababirimu Baganda ggeregere!

Ezo ze zimu kunsonga lwaki fenna tusaanye okuwagira enkola eya federo mu Yuganda. Federo ye nfuga eddiza buli muntu obuvunaanyizibwa ku bulamu bwe, kuba emuwa eddoboozi mu ngeri gavumenti gy'eddukanyaamu emirimu gyayo, ate nga temuyingirira kitasaanidde.

Okwebaza

Kantwale omukisa guno okutuusa okusiima kwange eri abantu abanyambako mu kusoma ekiwandiiko kino era ne bandaga ensobi ezaakirimu mu mpandiika ne mundowooza. Okusingira ddala nebaza nnyo abaami Wasswa Kintu, Leo Ssebweze, F.N. Lugemwa, ne Emmanuel Semakula. Olw'okuba saasobola kutwaala birowoozo byabwe byonna, ensobi zonna ezaasigalamu zange ku bwange.